**04th June 2017.**

# OKUSABA KWA DANYERI OKW'OKWEGAYIRIRIRA.II

**Danyeri 9:1-19.**

[Ssimanyi oba mu ffe waliyo abaawulira ku lugero lw’omusajja eyali atambula mu nsiko n’agwisanya n’empologoma kyokka mu kifo ky’okudduka n’afukamira n’asaba nnyo Mukama amuwonye okuliibwa empologoma, kyokka era ne tubuulirwa nti n’empologoma n’esooka etuula ne yeebaza Katonda olw’okugireetera eky’emisana ekyangu okulya! Nti ku ssaala zombi eruwa Mukama Katonda gye yaddamu?....] Eyasooka okumaliriza?
Bwe nfumiitiriza ku Danyeri nti kyaamutuukako mu ssuula 6, era Mukama n’addamu nga bwe yakola, nyongera okukkiririza mu Mukama, kubanga bwe yavaayo mu mpuku, empologoma z’afuna eky’okulya ekingi ko ku kye zaali zisooose okufuna bwe yasula nazo, n’olw’ekyo mu ssuula yaffe eno mwe twatandika okuyigira ku kusaba kwa Danyeri okw’okwegayiririra, ddala bye tumuyigirako ng’eyali omusajja omusabi ennyo by’amakulu nnyo gyetuli ng’abakkiriza mu Mukama Katonda waffe ayinza byonna.

Ng’omulundi ogwaggwa twayigirizibwa nti okusaba okutuufu kwe kuba nti kusinziirira mu kigambo kya Mukama. (True prayer is in response to and based upon God’s Word). Nti mu kigambo kya Mukama mwe tujja ebisuubizo bye kwe tusiinziira okuba n’obwesige okumusaba bye tweetaaga ne bye twagala n’obunyweevu bw’okukkiriza nti binaatuweebwa. Obulamu bwaffe ne buba ssi nti ‘kasita’ Mukama yasuubiza, wabula nti ‘lwakuba’ Mukama yasuubiza. Kubanga nga Matthew Henry bwagamba “Ebisuubizo bya Mukama tebiggyaawo kusaba kwaffe, wabula bikusiikuula ne bikwongeramu amaanyi”. Yesu kye yava agamba “Musabe, munaaweebwa, munoonye, munaazuula, era mukonkone munaggulirwaawo, kubanga buli asaba aweebwa, na buli anoonya azuula, na buli akonkona aggulirwaawo.”(Matt. 7:7,8) N’era nga bwe twaalaba ogwaggwa nti Yakobo mu 4:2,3 nazo zaali ziwabula mu ngeri y’emu, nga bwe guli ne mu byawandiikibwa bingi nti Mukama Katonda waffe yateekateeka okumusaba ng’engeri y’enkizo okwagala kwe mwe kutuukirizibwa gyetuli. Ne kiba nti okweyongera kw’okutuukirizibwa kw’okwagala kwa Mukama kusinziira ku kweyongera kw’okusaba okutuufu.

Eky'okubiri, kye tulagwa mu lnny.3 olugamba nti…… Kwe kuba nti okusaba kw'okwegayirira okutuufu kuba n'obumalirivu bw'okunyiikirira mu bbwo. (It is characterized by earnest fervency.) Nga Yak. 5:16b bwe lugamba nti "Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo." Kye tulaba ku bulamu bwa Danyeri nti teyakoma kuba musajja ey'ewaayo okutambulira mu butuukirivu kyokka, bukya abeera mutiini ate ne yettanira nnyo n'okusabanga obutaweera, nti kyamanywa nti yali mpisa ye okusabanga emirundi esatu buli lunaku, naye ne mu kusaba kwe yanyiikirira nnyo okutuuka n'okuba nti asiiba nga kw'otadde okwambala ebikutiya n'okwesiiga evvu. Bangi ku ffe tetutera kulaba makulu g'okusiiba, oba ggategeera, naye ne Yesu Kristo mu Matt.6 yasuubira abayigirizwa be okusiiba kwe kubabuulirira nga bwe kibagwaanidde, n'olw'ekyo naffe kitugwaanidde okumanya nti kijja ttweetaaza okusiiba mu kwegayiririra kwaffe eri Mukama ku nsonga ezimu ez'obulamu bwaffe okufuna okubotola mu zzo. Mu kkyo tweelekereze eby'etaago by'emibiri gyaffe olwo tube basongovu mu mmeeme n'emyooyo gyaffe okuyimusibwa eri okutuukirizibwa kw'okwagala kwa Mukama mu bulamu bwaffe. Okusiiba tekukyuusa Mukama tukwaatirwa nnaku wabula kukyuusa ffe ttutereeza mu kwagala kwe.

N'olw'ekyo, eky'okusatu ekikwasaganyizibwa n'obumalirivu awamu n'okunyiikirira ekyeetaagwa mu kusaba kw'okwegayiririra kwe kwelekereza.( Self-denial). Ng'olese obutalya oba kunywa nga buli kaseera, ne weelekereza ebyetaago oba ebisanyusa obulamu bwo, ng'otulo oba okwesanyusa(entertainment), osobole okweeweerayo ddala eri Mukama mu kusaba. Ezo ziba ssaddaaka Mukama z'asiima era mu ngeri nnyingi zireetera obutuukirivu bwe okwolesebwa gyetuli mu ngeri ez'enkununala.

Eky'okuna ekitulagwa mu kusaba kw'okwegayiririra okulungi kwe kwatula. Nti kunyweezebwa n'okwatulira Mukama byonna. (It's strengthened by confession). Olnny.4 lugamba nti ……Okweyongerayo mu ssaala tulaba nti ayatula ebibi byabwe bonna ng'eggwanga…lnny 5,6,8,10,…….

Okusaba kwonna kugwaanidde okubaamu okwatulira Mukama okwoonoona kwaffe gyaali ng'engeri etweetoowaza mu maaso ge, kubanga kye kiggyawo ekibi mu bulamu bwaffe gyaali nga I Yok.1:8,9 bwe zigamba, (9) lugamba nti….

Olwo ne tuba n'emitima emimenyefu gyaali egyo gy'atagaya nga Isaaya 66:2 bwe lugamba.

Ekirala, kitugwaanidde okwatulira Mukama okukkiriza kwaffe mu bwesigwa bwe gyetuli . Olnny 4…..akuuma endagaano yo so n'okwagala kwe tekujjulukuka eri abo bonna abakwagala era abagondera ebiragiro bye…lnny. 9…..
Okwo kwonna kwe kwatulira Mukama okubeesa okusaba kwaffe okwo okulungi okukuleetera okuddibwaamu Mukama.

Omulundi ogunaddako tuneeyongerayo tumalirize omulamwa guno Mukama ng'akkirizza, n'ebirala ebiyigirizibwa mu ssaala ya Danyeri ey'omussuula eno 9. Kyokka ekikulu kwe kuba nti ffena tumuyigirako okuba abo abalina entabagana ennungi ennyo ne Mukama Katonda waffe etuleetera okwolesa ekitiibwa kye eri bonna ababeera naffe awamu n'abatuwuliza, ng'okwagala kwa Mukama kweyongera bweyongezi kutuukirizibwa mu bulamu bwaffe ne mu bukadde bwaffe.